



Gender Transformation &
Empowerment



MAKING POLICIES
WORK for WOMEN



FORUM FOR WOMEN IN DEMOCRACY



Breaking Through, Building Up and Binding


WOMEN'S DEMOCRACY NETWORK
Empowering Women to Lead
Uganda Chapter



EMIRIMU EGITANAGGWA

MANIFESITO Y'ABAKYALA 2016 OKUTUUKA 2021

2016

A photograph of an elderly woman in profile, facing right. She is wearing a patterned headscarf and a light blue and white patterned garment. On her head, she balances a large white bowl filled with white, fluffy objects, possibly cotton or wool. The background is blurred, showing what appears to be a market or outdoor setting with some structures and other people.

EMIRIMU EGITANAGGWA

MANIFESITO Y'ABAKYALA 2016 OKUTUUKA 2021

2016

EBIRI MUNDA

ENNYANJULA - - - - -	1
ABAKYALA ABALAMU-BUGAGGA BWA GGWANGA - - - - -	3
EDDEMBE LY'ABAKYALA KU TTAKA NE KU BINTU - - - - -	7
ABAKYALA N'EBYENJIGIRIZA - - - - -	10
OKUTUMBULA EBYENFUNA Y'ABAKYALA - - - - -	14
ABAKYALA, EBYOBUFUZI N'OKUSALAWO - - - - -	17

ENNYANJULA

Nga tusemberera omwaka 2016, Banayuganda nate beetegekera okulonda kwa bonna. Okulonda ddaala lya waggulu mu by'obufuzi era abakyala okusimba essi-ra ku bantu be baagala besimbewo, kwasanguza nti mu kusooka kwa byonna, Manifesito Y'abakyala kiwandiiko kya byabufuzi.

Ng'ekiwandiiiko ky'ebyobufuzi, Manifesito Y'abakyala erambika ebintu ebikwata ku bakyala mu Uganda n'okusaba ebibiina by'ebyobufuzi n'abo abesimbawo okuwa embalirira. Manifesito Y'abakyala ezimbira ku nteekateeka ezifananako ng'eno abakyala, n'ebibiina ebirwanirira eddembe lyabwe ze bayiseemu mu ku-londa okuyise okuviira ddala mu 2000, Manifesito Y'abakyala eyongereza kwebyo ebikoleddwa, ebigattiddwa okusobola okukolera awamu, n'ebitatuuse bulungi mu nkola ezasooka, ebyetaaga okuteekako essira okusobola okulwanirira eddembe ly'abakyala wamu n'omwenkanonkano.

Wadde ng'abakyala mu Uganda balinako we batuuse, naye era, bakyalina olugendo lunene okutuuka ku kitiibwa n'omwenkanonkano n'abasajja mu mbera zonna ez'obulamu. Abakyala mu Uganda bali ebitundu 51 ku 100, n'olwekyo kikulu nnyo okulaba ng'ensonga ezibakwatako ziteekebwa ku mwanjo, bwe kiba nti amateeka, ebiragiro bya gavumenti n'okulungamya binaakwata ku bwetaavu bwabannansi. Ng'ogyeko okulambika abakyala bye basaba, Manifesito Y'abakyala ekozesebwa okusaba abakulembeze okulaga nti balwanirira omwenkanonkano, kuba omwenkanonkano omutuufu y'engeri yokka eggwanga lyaffe mwe linaayita okufuna enkulakulana eyannamaddala. Manifesito y'abakyala engenderera:

- Okwongereza ku mukululo omulungi ogw'enfuga entuufu ng'erungamya abalonzi, abesimbyewo ne banabyabufuzi abalala ku kyokussa ku mwanjo ensonga z'abakyala, bye betaaga ne bye baluubirira;
- Okumatiza gavumenti, ebibiina by'ebyobufuzi n'ebitongole wamu n'abakwatibwako okuteeka ku mwanjo demokulasiya eyetoololera ku bantu n'ebikwata ku bakyala mu kwetaba mu byenkulakulana;
- Okumanyisa banabyabufuzi abenjawulo ebikwata ku nsonga z'owenkanonkano gw'abakyala n'abasajja;
- Okukunga abalonzi okwetaba mu nkola zonna ezitumbula demokulasiya mu ggwanga; ne
- Okuteerawo abakyala akatuuti we basobola okuteeseza n'abesimbyewo mu byobufuzi abenjawulo, ebibiina wamu n'ebitongole.

Emitendera egyayitibwamu okukola Manifesito Y'abakyaala

Manifesito Y'abakyaala yateekebwatekebwa okuyita mu nkola y'okwenyigiramu kw'abantu abenjawulo nga kululemberwa ekibiina ky'abakyaala ekya demokulasiya (Women's Democracy Group)¹. Wakati wa Novemba ne Decemba 2014, Women Democracy Group² yakyalira disitulikiti 50 ne yebuuza ku nkiiko z'abakyaala, ebibiina by'obwanakyewa, abakungu mu bibiina by'ebyobufuzi, abakozi mu disitulikiti, ab'ebyenjigiriza, abagaba obuyambi, abakulembeze ku diini, ab'enono, abekozesa mu businensi, abakunga abantu mu bitundu, wamu n'abakadde, abasomesa, abasawo, obubon-do bw'abakyaala, enkiiko z'abakyaala okuva mu bibiina by'ebyobufuzi 6 ebisinga amaanyi mu ggwanga³, abasomesa abakulira ebyabaana abawala, banamawulire, ebibiina byabavubuka, n'ebibiina abakyaala bye bagunjizaawo okulowooza ku bintu ebigenda mu maaso n'okukosa eddembe ly'abakyaala n'engeri y'okutwala mu maaso ensonga y'omwenkanonkano gw'abakyaala n'abasajja. Enkola y'okwebuuza eno yateekawo akatuuti okukunganya ebirowoozo n'ebyo abakyaala bye betaaga, bisobole okutekebwa mu manifesito.

Ng'ogyeko okwebuuza, ebiwandiiko ebiwerako byekkaanyizibwa okusobola okugenda ebuziba okutegeera enteekateeka z'ebyenkulakulana, ebiragiro bya gavumenti n'okulungamizibwa kwa gavumenti, abagabi b'obuyambi, ebibiina byo bwanakyewa ne manifesito z'ebibiina byebyobufuzi ku ngeri gye bakuttemu ensonga y'ekikula kyabantu abakazi n'abasajja.

Ensonga ezikwata ku mbera z'abantu n'obuwangwa, ebyenfuna n'ebyobufuzi, abakyaala, bye baagla ne bye basuubira okuva mu ggwanga lyonna, byassiddwa wamu mu kuteekateeka, wadde nga manifesito eno erina ensonga ttaano zokka enkulu nga zino zigatta ensonga endala zonna ate nga zikaanyiziddwako nga zezisinga obukulu okuleeta enkyukakyuka mu kulaba ng'ensonga ezinala z'omwenkanonkano n'okuwa abakyaala obusobozi mu Uganda ya leero.

- 1 Ebibiina by'abakyaala ebya demokulasiya (The Women's Democracy Group (WDG) bwegassi bw'ebibiina byabakyaala eby'obwa nakyewa nga bwatandikibwawo mu 2009, ng'ekigendererwa kwe kwongera amaanyi mu bukulembeze bw'abakyaala n'okuleetera abantu okufaayo ku nsonga ezikwata ku kikula ky'abantu mu nfuga eya demokulasiya. We twogererera obwegassi buno bulimu ebibiina by'abakyaala 5 nga mwe muli: Action for Development (ACFODE), Center for Women in Governance (CEWIGO), Forum for Women in Democracy (FOWODE), Women's Democracy Network–Uganda Chapter (WDN–U) ne Uganda Women's Network (UWONET) ekikola ng'ekitongole ekikwasaganya emirimu gy'obwegassi buno.
- 2 Okubuliriza kwakolebwa aba Center for Women in Governance abakwenyigiramu baaava mu disitulikiti eza; Ibanda, Isingiro, Kamwenge, Kiruhura, Mbarara, Bushenyi, Sheema, Kabarole, Kyenjonjo and Kasese. Okubuliriza kwakolebwa Uganda Women's Network drew abakwetaamu bava mu bitundu ebya Teso, Karamoja ne Busoga nga mwe muli ne disitulikiti z'e; Kumi, Soroti, Katakwi, Amuria, Napak, Moroto, Nakapiripirit, Kaabong, Mayuge, Kamuli, Jinja, Bugiri, Iganga and Kaliro. Okubuliriza kwakolebwa aba Action for Development kwetabibwamu abakyaala okuva mu disitulikiti z'e Kanungu, Kisoro and Rukungiri (ekitundu ky'e bugwanjuba); Dokolo, Lira, Oyam and Amolatar (obukiika ddyo); Rakai, Sembabule and Kalangala (masekkati). Okubuliriza kwakolebwa FOWODE kwetabibwamu abakyaala okuva e Manafwa, Butaleja, Kapchorwa, Sironko, Mbale, Busia, Kiboga, Wakiso, Kampala, Mukono, Buikwe ne Tororo. Okubuliriza kwakolebwa Women's Democracy Network–Uganda Chapter kwetabibwamu abakyaala okuva mu disitulikiti z'e Arua, Yumbe, Koboko, Nebbi, Adjumani, Kumi ne Masaka.
- 3 Ng'ogyeko okubuliriza kw'omu disitulikiti nga kwawagirwa DGF, WDN–U n'abakulembeze b'ebibiina by'abakyaala mu DP, FDC, JEEMA, NRM, PPP ne UPC nabo baakola okunoonyereza mu magombolola ana, mu disitulikiti y'e Masaka ne Kumi mu 2014 nga bawagirwa aba International Republican Institute, nga bagatta ku kubuliriza kwawagirwa National Endowment for Democracy (NED) mu kitundu ky'obugwanjuba bw'omugga Kiyira (West Nile region).



ABAKYALA ABALAMU-BUGAGGA BWA GGWANGA

Embeera y'ebyobulamu bw'omukyala tekosa ba mumaka ge bokka, wabula n'ekitundu kyonna mwabeera. Obusobozi bwe okufuna obujjanjabi obwetaagisa kye kisalawo oba ab'omu maka ge bonna banabeera balamu. Nga bwe kiri mu nsi nyingi ezikyakula, omuwendo gw'abakyala abafiira mu nsonga ezeukuusa ku ku-zaala gweyongedde okuva ku bakyala 435 ku buli bakyala 100,000. okudda ku bakyala 438 ku buli 100,000. Kino kyeraliikiriza abakyala wamu n'eggwanga- big-gyiddwa mu Alipoota ku Uganda Ey'ebirubirirwa By'ekyasa, 2013 (Millennium Development Goals (MDG) report for Uganda⁴).

Eddembe ly'okuba mu bulamu obusinga obulungi obusobola okutuukibwako, mu bwongo ne mu mubiri, lissibwamu ekitiibwa amateeka g'ensi yonna n'aga Afrika, ng'ate Uganda yagateekako omukono. Ku ddaala ly'ensi yonna, Uganda yassa omukono ku ndagaano y'ensi yonna ey'okussa ekitiibwa mu ddembe ly'obuntu, (Universal Declaration of Human rights), Endagaano y'ensi yonna eyokussa ekitiibwa mu ddembe ly'abantu ba bulijjo wamu n'eddembe mu byobufuzi, (International Convention on Civil and Political Rights), n'endagaano y'okuggyawo okusosola kwonna eri abakyala (Convention on the Elimination of All forms of Discrimination against Women), Endagaano eyakolebwa e Beijing mu 1995 ng'eteekawo enkola okumalawo okusosola kwonna eri abakyala (Beijing Declaration and Platform for Action (1995). Ate nga wano mu Afrika, eddembe ly'abakyala okufuna obujjanjabi likakasibwa ekiwandiiko eri olukiiko lwa Afrika ku ddembe ly'obuntu n'eddembe ly'abantu ekikwata ku ddembe ly'abakyala mu

⁴ Alipoota Ya Uganda ku birubirira by'ekyasa eya Okitobba 2013 omuko nnamba 24

Afrika, (African Charter on Human and People's Right on the Right of women in Africa) ne mu kirayiro ekyakolebwa mu Abuja–Nigeria (Abuja Declaration), Uganda bye yateekako omukono era nekkiriza okulikolerako.

Wadde nga tewali kawayiro kalambulukufu akakwata ku ddembe ly'obyobulamu, mu mateeka ga Uganda agakwata ku ddembe ly'obuntu, Konsititusoni eyogera ku ddembe ly'obuntu nga lino litwaliramu n'eddembe ku byobulamu. Akawayiro 33 (3) kagamba nti gavumenti enekuuma abakyala wamu n'eddembe lyabwe, ng'etwaliramu obuvunanyizibwa bwabwe obwokuzaala. Akawayiro 34 (3) kagamba nti tewali mwana anaggyibwako ddembe lye ery'okufuna obujjanjabi....nga waliwo okwekwasa eddiini, oba enzikiriza endala yonna n'akawayiro 39 kalaga eddembe okuba mu kifo ekiyonjo ate nga temuli ndwadde.

Okulambika okulungi ku byobulamu kusangibwa mu bigendererwa by'eggwanga n'ebiragiro ebikulu ku biragiro bya gavumenti (National Objectives and Directive Principles of State Policy), ebiri mu nyanjula ya Konsititusoni. Ekigendererwa XIV (b) 14 (b), mu bintu ebirala kiragira Gavumenti okukakasa nti Banayuganda bonna basobola okufuna obujjanjabi, ate nga ekigendererwa XX (20) kigamba nti gavumenti erina okukola buli kyetaagisa okulaba ng'abantu bafuna obujjanjabi obusookerwako. Ekigendererwa XXI (21) kiteekawo eddembe ly'okuba n'amazzi amayonjo era agataliimu ndwadde, ate XXII (22) kiteekawo ed-dembe okuba n'emmere ng'ate byombi bye bimu ku bintu ebisalawo ku byobulamu.

Embeera eddembe ly'obyobulamu gyeririmu yetaagisa gavumenti okubaako kyekola, era mu mateeka gavumenti evunaanibwa mu ngeri bbiri, okutyoboola okulinyirira eddembe ly'obuntu ate era n'obutakola nga bwe badde esuubirwa. Uganda erina wetuuse mu bintu ebiraga ebyobulamu bwa maama. Wakati w'omwaka 2006 ne 2011, waliwo okweyongera mu ba maama abazaalisibwa abasawo abatendeke okuva ku 42 okutuuka ku 58 ku buli 100⁵. Wabaddewo n'okweyongera mu bakyala abafuna obujjanjabi oluvannyuma lw'okuzaala, nga mu 2011 abakyala 33 ku buli 100 bafuna obujjanjabi obwo mu nna-ku 2 oluvannyuma lw'okuzaala ate nga mu mwaka 2006, abakyala 27 ku buli 100 be baali baafuna obujjanjabi obwo⁶.

Wadde nga wabaddewo okulongookamu nga bwe tulabye waggulu, Uganda y'emu ku nsi ekkumi mu nsi yonna, ezikyasize okubeeramu ba maama abafiira mu bizibu ebyekuusa ku kuzaala, wamu n'abaana abato abafa. Alipoota ziraga nti buli lunaku mu Uganda ba maama 16 bafa nga kiva ku buzibu obwekuusa ku kuzaala. Okunonyereza okwakolebwa mu malwariro 553 mu bitundu ebyenjawulo mu Uganda kulaga nti okuvaamu omusaayi omungi kwe kwaviirako abakyala 42 ku buli 100 okufa, omwana okwekiika oba okulemwa okufuluma wamu n'okulwa mu ssanya kitta abakyala 22 ku buli 100 ate n'obuzibu obuwa mu kuggyamu embuto butta 11 ku buli 100. Ebirala ebireetera abakyala ab'embuto okufa wadde nga tebikwata ku mbuto, mwe muli omusujja gw'ensiri (gwatta abakyala 36 ku buli 100 kwabo abategerekeka), okugwamu omusaayi (11 ku 100) ne siriimu (7 ku 100). Okusinziira ku alipoota eva mu kakiiko akekenneenya okufa kwabakyala abali embuto, (Maternal Perinatal Death Review (MPDR) committee Report), ensonga esinga okuviirako ebizibu ebitta abakyala abali embuto wakati wa 2009 ne 2011, kwe kuba nti abasawo tebamala (ng'abaliwo bali 63 ku 100). Alipoota eno eraga nti obutaberawo bazaalisa mu malwaliro y'ensonga ennene eri emabega w'ebizibu byabakyala bye bafunira mu malwaliro, nga singa waberawo abasawo abamala, ebizibu bino bisobola okukendera ebitundu 80 ku 100.⁷ Uganda yetaaga abazaalisa 2,000, kino nga tekiva ku bbulwa lyabazaalisa naye kiva ku nnumbo eri ku kuyingiza abasawo

5 Nga bwe kiri ku muko 24

6 Nga bwekiri mu 4

7 Nga bwe kiri ku muko 24

ng'abakozi ba gavumenti⁸. Wadde ng'abalwanirira eddembe ly'abakyala bagenze mu maaso okusaba waberewo okweyongezebwa kwa bajeti y'ebbyobulamu, okumala emyaka mingi ebadde ebulako ku bitundu 15 ku 100 ebyasalibwawo mu Ndagaalo y'e Abuja (Abuja Declaration) Uganda gye yateekako omukono mu Apuli 2001. Okugeza, mu mwaka gw'ebysimbimbi (2013/2014), ekitongole kyobulamu kyafuna ebitundu 7.2 ku 100 ebyembalirira y'eggwanga eyali eweza obutabalika (trillion) 13.1, ate nga mu 2011/12 kyafunako obutundu 7.6 ku 100.

Obujjanjabi obuliwo mu Uganda tebumala. Wadde ng'abakyala 94 ku 100 bagendako eri omusawo omutendeke (nansi, dokita oba omuzaalisa) okunywa eddagala oba okukeberekwa nga bali mbuto, mu byalo, abakyala 36 bokka ku 100 be bazaalira mu ddwaaliro, wabula nga mu bibuga 79 ku buli 100 bazaalira mu ddwaaliro⁹. Ekimu ku bireeta kino z'engendo empanvu abakyala ze balina okutindigga okugenda mu ddwaaliro, mu ddwaaliro obutabayo ddagala, n'okuba nti abakyala bano tebaasoma. Mu Uganda abakyala abasomyeko banguyirwa okuzaalira mu ddwaaliro okusinga kw'abo abatasomye (abasomye 75 ku 100 ate abatasomye 25 ku 100 be bazaalira mu ddwaaliro). Amateeka agagaana abakyala okuggyamu embuto mu kyeyagalire, kyekimu ku bireetedde abakyala bangi okufa oba okukosebwa nga kiva ku by'embuto¹⁰.

Omuwendo gw'abawala abato abafuna embuto guli waggulu ate wakyaliwo n'obuzibu obunene obw'abaana abato abafa. Okwongerezaako, abakyala obutaba na maanyi kwesalirawo ku bikwata n'ebyo kuzaala, muziziko munene eri famile pulaninge¹¹. Okuggyamu embuto ne siriimu okuba waggulu byongera okuzza emabega ebyo ebyandibadde bituukiddwaako mu kukendeeka abakyala abafira mu byokuzaala. Abasajja obutenyigiramu mu bya famile pulaninge nakyo kikosezza nnyo pulogulamu z'ebbyobulamu bw'abakyala.

Olwokuba nti ebyobulamu nsonga nkulu eri abakyala, tusaba bino:

1. Okwongera ku nsimbimbi ezitekebwa mu byobulamu ng'omutemwa ogutekebwa mu kulondoola engeri ebyobulamu gye bitambula eyongezebwa nga bwe kiri mu kiwandiiko ekyakolebwa mu Abuja (Abuja declaration), nti ebitundu 15 ku 100 ebya bajeti y'eggwanga birina kugenda ku byabulamu era nga kw'ezo, ebitundu 5 ku buli 100 zigenda ku bya bulamu bwa ba maama nga mwotwalidde okuteekawo enkola eyamba ba maama abalemereddwa okuzaala ku buli ddwaaliro ery'eddaala ey'okusatu n'eryokuna.
2. Okukakasa nti ebitundu 6 ku 100 ebya bajeti y'ebbyobulamu egenda ku bujjanjabi obusookerwako, kino kisobozese okukendeeza abantu abakwatibwa endwadde ez'enjawulo era nga mu kino kija kusobozesa okukendeeza ku bantu abetaaga obujjanjabi.
3. Okusosowaza okuteekawo enkola za famile pulaninge ez'enjawulo okwongera omutindo gw'ebbyobulamu bw'ababakyala, wamu n'okuteeka amabanga mu baana be bazaala¹². Ebibiina birina okubeera n'enkola ennungamu ku ngeri y'okukola n'abo

⁸ Maternal and Child Health: ekiwandiiko ekyakubibwa The Inter-parliamentary Union, The Parliament of Uganda and The Partnership for Maternal, New Born and Child Health .

⁹ Nga bwe kiri ku muko 26

¹⁰ Nga bwe kiri mu 10

¹¹ Contribution to the National Women's Manifesto of Uganda Prior to the 2016 Elections" kya Women's Democracy Network-Uganda Chapter kyakubibwa, Gwakuna, April 2015

¹² Nga bwe kiri mu 11 omuko 26

be kikwatako abasobola okutumbula obusobozi bw'abakyala okufuna obujjanjabi, nga mu bano otwaliramu banadiini n'abakulembeze b'ennonono.

4. Okwongeza emisaala gy'abasawo okusobola okusikiriza abasawo abalala abasajja n'abakazi okukola mu bifo ebitali byangu kukoleramu, n'okwewala abasawo okudduka okukolera mu nsi endala; Abakyala baagala wabeewo enkola ennungamu ku ngeri y'okukwatamu ensasula y'abasawo okusenziira ku nsimbi eziri mu ggwanga mu kiseera kino¹³.
5. Okwongera ku muwendo gw'abavubuka abafuna obujjanjabi obwekuusa ku kuzaala, kisobozese okukendeeza ku bawala abatanetuuka abafuna embuto n'abaggyamu embuto mu ngeri ebateeka mu katyabaga.
6. Okukakasa nti Minisitule y'Ebyobulamu eteekawo enteekateeka ennungamu n'ebinagobererwa okulaba ng'eggyawo endowooza n'enneeyisa ebireetera okun-yooma obusobozi bw'abakyala okusalawo ku bikwata ku ddembe lyabwe ku byobulamu.
7. Okubaga era n'okuteeka mu nkola amateeka, enkola za gavumenti wamu n'ebiragiro ebimalawo obutabanguko mu maka n'okuwa abakyala obusobozi, nga mu-limu n'amateeka agagenderera okukuuma endabirira y'awaka nga mwe muli n'byobulamu ng'etteeka ebbage Ery'obufumbo n'okwawukana (Marriage and Divorce Bill); Etteeka ebbage erikwata ku misango egikwata ku byokwegatta (Sexual Offences Bill) n'etteeka erikwata ku butabanguko mu maka (Domestic Violence Act).
8. Okugunjaawo entegeka n'ebigobererwa okusobola okuwa abakyala obusobozi okuyita mu bawa amawulire agasaana n'okubasobozesa okufuna ennyingiza n'okusobola okulongoosa mu mikisa gyabwe okwettanira ebyobulamu ng'abakyala.
9. Okukakasa nti Minisitule y'Ebyobulamu erina enteekateeka ennambulukufu okwongera amaanyi mu kumanyisa ku bikwata ku bulamu bw'abakyala obukwa-tagana n'byokuzaala ng'ekigendererwa kwe kuleetera abaami okwetaba mu byobulamu bw'abakyala.

13 Nga bwe kiri mu 11 omuko 27



EDDEMBE LY'ABAKYALA KU TTAKA NE KU BINTU

“Omwami wange yapangisisa ettaka bulijjo kwensimba emmere gye tulya awaka. Omwana wange teyasobola kukola bigezo taamu eno olw’okuba nali sisobola kusasula silingi 2000 essomero lye zaali zetaaga. Gyzalibwa, sirinayo ttaka kuba ndi mukazi. Singa nalina ettaka ewaffe, nandibadde nimirako nenfunira abaana bange emmere era nenfissaawo n’eyokutunda. Kati nginga masikiini....” Omu ku bakyala abeetaba mu kunonyereza, mu muluka gwa Aroi, mu dis-itukikiti ye Arua¹⁴

Engeri y’okukwatamu ebyettaka kikulu nnyo eri eddembe ly’abakyala. Kikulu kubanga okubeerawo kw’abantu bangi mu Uganda kwesigamye ku ttaka. Ate era ettaka mwe muva emmere, amazzi, enku ate n’omuuddo oba emiti okuva eddagala. Abantu abalina obuyinza ku ttaka n’ebyomugaso ebirivaamu era beebafuna obuyinza ku bantu mu kitundu wamu n’obuyinza mu byobufuzi¹⁵. Ne bwekityo, abakazi obutenkanya buyinza ku ttaka kibareetera obutasobola kutuuka ku by’omugaso ebirala ne kireetera ebyenfuna yaabwe, obifo byabwe mu kitundu wamu n’obuyinza nga banabyabufuzi okufeeba.

Mu nsi yonna ne mu Afrika, Uganda yateeka omukono ku biwandiiko biriri ebikulu ebirambika eddembe ly’abakyala ku ttaka, nga muno mwe muli Endagaano y’okuggyawo buli kika ky’okusosola mu bakyala (Convention on the Elimination of All Forms of

¹⁴ Nga bwe kiri mu 11 omuko 27

¹⁵ Nga bwe kiri mu 11 omuko 30

Discrimination Against Women (CEDAW¹⁶) n'engeri y'okuteeka mu nkola Endagaalo ya Afrika eyokukuuma eddembe ly'obuntu n'eryabantu, ku ddembe ly'abakyala (Protocol to the African Charter on Human and People's Rights, on the Rights of Women), endagaano eno era emanyiddwa nga Ekiwandiiko ky'e Maputo).

CEDAW eteekawo obukuumi ku ddembe ly'abakyala abali mu byalo. Akawayiro 14 kasaba nti gavumenti n'ebibiina byobufuzi bijja kwekenenya ebizibu abakyala by'omu byalo bye basanga wamu n'emirimu egitabusibwa maaso abakyala b'omu byalo gye bakola amaka gaabwe okusobola okubaako kye gayingiza, nga mwotadde n'emirimu gye bakola egitabaliriwamu ssente, nti bijja kukola kyonna ekyetaagisa okulaba nga obuwayiro obwo buteekabwa mu nkola ne buyamba abakyala b'omu byalo.

Akawayiro kalagira ensi eziri mu ndagaano eno okukola kyonna ekyetaagisa okumalawo okusosola abakyala b'omu byalo, kibasobozese ku mutindo gw'omwenkanonkano gw'abakyala n'abaami, okwetaba era n'okuganyulwa mu nteekateeka y'okulakulanya ebyalo.

Endagaano y'e Maputo eragira ensi eziri mu ndagaano, okumalawo buli kika kya kusosola eri abakyala. Essa ekitiibwa mu ddembe ly'abakyala abafumbo okufuna ebintu ebyabwe ku bwabwe era ne babiddukanya nga bwebaagala. Endagaano eno eteekawo obukuumi obwenjawulo eri bannamwandu, abakyala abakadde n'abo abalina obulemu ku mibiri gyabwe. Ate era eragira ensi eziri mu ndagaano okulaba nga bakuuma abakyala abaavu n'abo abakulira amaka nga mulimu n'abakyala abava mu bantu abanyomebwa era bateekabwe mu mbera etuukana n'emera zaabwe ez'enjawulo nga mwe muli ez'enkula y'emibiri gyabwe, ebyen-funa wamu ne bye betaaga ng'okubeera mu bantu abalala.

Mu Konsitusoni ya Uganda mulimu obuwayiro obukuuma eddembe ly'abakyala ku bikwata ku ttaka. Akawayiro 21 kagamba nti abantu bonna benkanankana wansi w'amateeka mu by'obufuzi, ebyenfuna ne mu buwangwa era amateeka gajja kubakuuma kyenkanyi. Konsitusoni egenda mu maaso n'egamba nti teri muntu ajja kusosolwa okusenziira nti oba mukazi oba musajja, era eragira Paliyamenti okubaga amateeka agagyawo okusosola kwonna wakati w'abakazi n'abasajja wasobole okubeerawo omwenkanonkano.

Konsitusoni ekuuma eddembe ly'omuntu yenna okubeera n'ebintu bye, era eddembe eryo we liggiyibwa ku muntu nga tekyebereka, abeera alina okusasulibwa omuwendo ogugya mu kintu kye ate n'asasulibwa mbagirawo. Konsitusoni era ekakasa omwenkanonkano wakati w'omwami n'omukyala mu Bufumbo, era ng'omwenkanonkano ogwo gutwaliramu okusalawo ku bintu ebikulu mu maka. Konsitusoni era essaamu ekitiibwa eddembe lya ba nnamwandu okusikira ebintu byaba bbaabwe era n'okusigala n'eddembe ly'obuzadde ku baana baabwe, ngaba baabwe bafudde.

Konsitusoni essa ekitiibwa mu ddembe ly'abakyala ery'enjawulo nga mwemuli eddembe ly'okuwebwa ekitiibwa ky'ekimu era n'okuyisibwa kyenkanyi ng'abaami, nga mwe muli eddembe okuwebwa omukisa ogwenkanankana mu buli kintu- ebyobufuzi, ebyenfuna n'ebyenkolagana n'abantu abalala. Okwonge-reza kw'ebyo waggulu, Konsitusoni ekakasa eddembe ly'okufuna amawulire okuva mu gavumenti oba mu kitongole kyayo kyonna, ate era n'eddembe ly'okufuna obwenkanya, nga mwe muli n'eddembe kkooti okuwulira omusango oguba guvunaanwa omuntu mu bwangu ate nga yetengeredde nga temuli kyekubiira ku luuyi lwonna.

16 Nga bwe kiri mu 11 omuko 19

Mu Uganda leero, abakyala batwala ebitundu 27 ku 100 byokka ku bantu abalina obwa nnanyini ku ttaka¹⁷. Wadde ng'abakyala 70 ku 100 benyigira mu bulimi, abakyala abali wansi wa 20 ku 100 be balina obuyinza ku bye bakungula okuva mu ntuyyo zaabwe¹⁸. Abakyala be basinga okuteeka amanyi mu byobulimi ate abasajja bo be basinga okukola mu makolero ne mu byempereza. Amaka agakulemberwa abakyala gatwala ebitundu 80.5 ku 100 ku bantu abakola mu kulima okuvaamu emmere bwogeragera n'ago agakulemberwa abasajja agavamu abakozi 67.5 ku 100¹⁹. Wabula, ettaka abakyala lye balinako obuvunanyizibwa livaamu amakungula agali wansi w'ago ettaka abasajja oba famile ng'awamu lye balinako obuvunanyizibwa n'ebitundu 17 ku 100²⁰.

Wadde ng'amateeka gawa abasajja n'abakazi eddembe eryenkanankana ku ttaka n'ebyobugagga ebirala nga tegafuddeyo oba bafumbo oba ssi bafumbo, okuteeka mu nkola amateeka gano kiremeseddwa ensonga eziwerako. Okusooka, amateeka ga mirundi mingi. Waliwo agava mu buwangwa ate n'ago agafuga obwannanyini ku ttaka agali mu Konsitusoni. Okuteeka amateeka ga gavumenti mu nkola ate era kikalubiriziddwa ebintu ebiwerako, nga mwe muli obutamanya mateeka ate n'okuba nti okufuna okulamulwa mu mateeka si kyangu kutuukako. Obunafu mu kitongole ekiramuzi, naddala mu byalo nakyo kikugira okuteeka mu nkola amateeka gano.

Obulamu bw'abakyala n'ebibabezaawo wamu ne famile zaabwe ate nga n'okubeerawo kw'eggwanga, kusibuka ku ttaka. Obuvunanyizibwa bwabwe ng'abakyala okuliisa amaka gaabwe n'okufuna enku, kiranga nti kikulu nnyo eddembe lyabwe ku ttaka okukuumibwa era okussibwamu ekitiibwa, era n'obwananyini bwe balina bubeere nga bukuumibwa era nga babwekakasa. Abakyala bye basobola okukola okweyongerera, era n'okwongerera ku bugagga n'embeera ennungi ey-abomumaka gaabwe kijja kuyita mu kukuuma eddembe lyabwe ku ttaka.

Ku ddembe ku ttaka, n'okuberawo mu kitiibwa, abakazi basaba bino:

1. Watekebwewo enkola okuyita mu kulunganya kw'amateeka okwongerera amanyi mu kussa ekitiibwa mu bwannanyi obw'omwami n'omukyala bombi, ku ttaka n'ebintu bya famile nga bwe kiri mu tteeka ly'ettaka eppya erya 2013.
2. Ekirala, etteeka ebbage erikwata ku Bufumbo n'okwawukana (Marriage and Divorce Bill, 2009), eriteesa abafumbo oba mwami n'omukyala ababeera awamu okukola enteekateeka ku ani anabeera nannyni w'ebintu ebitali bimu, nga bafumbiriganwa, nga bafumbo oba nga bawukana, liteekwa okulowozewako era liyisibwe.
3. Watekebwewo ensawo eyamba abakyala okugula n'okubeera n'obuyinza ku ttaka.
4. Okukung'a ebitongole eby'ennono okumanyisa abantu ku tteeka ly'ettaka eryalongoseemu erya 2010 era bawagire ekyabakazi n'abawala okubeera n'ettaka wamu n'okusikisikira.
5. Watekebwewo amateeka ne pulogulamu ezisobozesa okutangira okubba kw'ettaka okuva ku banamwandu nga kino kisinga kukolebwa ba nganda z aba baabwe.

17 Laba Pulani y'Enkulakula y'eggwanga embage eya nga 3 Ogwokusatu, 2015 ku muko 69

18 Nga bwe kiri mu 3 waggulu

19 Nga bwe kiri mu 3 waggulu

20 Nga bwe kiri mu 3 waggulu

Ensonga 3



ABAKYALA N'EBYENJIGIRIZA

Eddembe ku byenjigiriza likasibwa endagaano ku byenfuna okubeerawo mu bantu abalala, wamu n'obuwangwa, (International Convention on Economic, Social and Cultural Rights (ICESCR), Endagaano ku ddembe lyabaana (Convention on the Rights of the Child (CRC), Endagaano y'amawanga ga Afrika ku ddembe ly'obuntu n'abantu (African Charter on Human and Peoples' Rights (ACHPR) n'Endagaano ya Afrika ku ddembe n'obulungi bw'omwana (African Charter on the Rights and Welfare of the Child (ACRWC).

Uganda etenderezeddwa mu nsi yonna, mu Afrika ne mu ggwanga munda olw'okuteekawo amateeka n'emisingi egitumbula ebyenjigiriza. Enteekateeka mu byenjigiriza ng'okusomesa abantu abakulu okusoma, okuwandiika n'okubala, Bonna Basome, n'okusoma siniya okw'obwerere, bireseewo obuwanguzi mu byenjigiriza mu myaka egiyise- nga mwe muli abaana abayingira mu masomero okweyongera obungi mu ggwanga lyonna, naddala ng'abawala n'abaana okuva mu maka amaavu baganyulwa²¹.

²¹ Ekiwandiiko kya Economic and Social Rights Advocacy (ESRA), Beyond Statistics: How Can We Achieve Universal Basic Education of Acceptable Quality in Uganda? (Ekiwandiiko kya Initiative for SOCIAL AND Economic Rights (Novemba nga 3, 2014), omuko 3

Gavumenti esaana okusiimibwa ku ntekateeka yaayo ey'okubangula abaana abato, nga kino kireetedde omuwendo gw'abaana abayingira mu ssomero okweyongera okuva ku 289,862 mu 2011 okudda ku 345,295 mu 2012²². Mu kwongereza kwebyo gavumenti erina okusiimibwa olw'okutandikawo Bonna Basome gye yatandika mu 1997. Bonna Basome yayongera omuwendo gw'abaana abava mu maka amaavu, abayingira mu ssomero okuva ku 8.089,000 mu 2011 okutuuka ku 8,220,000 mu 2012²³. Kino tekikendeezeza bukendeeza ku bwavu, naye era kiyambye mu kukendeeza enjawulo eri wakati w'abaana abalenzi n'abawala abayingira mu ssomero, ne kiviiramu abaana abayita abibuuzo ebimaliriza P7 okweyongera, wamu n'okukulakulanya amasomero mu bizimbe n'ebintu ebirala ebirabikako.

Mu siniya, waaliwo okweyongera ku muwendo gw'abawala abayingira ku ddaala eryo okuva ku bawala 635,527 mu 2013 okudda ku 665,406 mu 2014, ate nga bbo abalenzi bayingira 727,212 mu 2013 ne baba 709,140 mu 2014²⁴. Omuwendo gw'abawala abayingira mu masomero ga gavumenti mu nkola ya Bonna Basome gweyongera ebitundu 43 ku 100 mu 2007 okudda ku bitundu 45 ku 100 mu 2011, naye ate nga mu 2014 omuwendo gw'abaana abawala abayingira mu S5 gwagwira ddala wansi (abalenzi 46,066 abawala 21,885)²⁵. Abawala abamalizira eddaala lino elya S5, nabo beeyongera okuva ku ebitundu 43 ku 100 mu 2000 okudda ku bitundu 47.7 ku 100 mu 2011²⁶.

Mu matendekero g'ebyobusubuzi n'ebyemikono, abawala abayingiramu beeyongera okuva ku 1,463 mu 2000 okutuuka ku 12,039 mu 2011, naye ng'era abawala bakyaali batono bw'ogerageranya n'abalenzi. Abawala batwalako ebitundu 14 ku 100 ate abalenzi ne batwala 86 ku 100. Abaana abali mu matendekero gano bwe baabalibwa mu²⁷. Abalenzi baali 2,856 ate abawala 449. Abawala abawandiikibwa okusoma obusomesa bwa pulayimale beyongera okuva ku 6,594 mu 2000 okutuuka ku 10,086 mu 2011²⁸. Mu Yunivasite: olwokuba waliwo enteekateeka egattirako abawala akabonero kamu n'ekitundu, abawala abeegatta ku yunivasite za gavumenti beyongera okuva ku 13,337 mu 2000 okutuuka ku 42,733 mu 2011²⁹.

Wadde nga waliwo obuwanguzi obufaanako bwe buti, wakyaliwo ebisomooza mu kutuuka ku bantu ebyenjigiriza ebisookerwako, era nga bino birina obusob-ozzi okujungulula ebyenjigiriza era n'okusangulawo ebyo ebituukiddwako, singa ennongosereza mu nkola eno tekolebwa mu bwangu. Okusebengerera mu mutindo gw'ebyenjigiriza kuwandiikiddwako mu kunonyereza okukoleddwa okuwerako, nga okwa UWEZO (2014), ne Minisitule y'Ebyenjigiriza n'Emizannyo, wamu n'ekitongole kya Stromme Foundation, Save the Children, UNICEF ne UNHCR (2014)³⁰.

22 Nga bwe kiri mu 6 omuko 8

23 Nga bwe kiri mu 6 omuko 9

24 Nga bwe kiri mu 11 waggulu

25 Nga bwe kiri mu 11 ku muko 7

26 Nga bwe kiri mu 11 ku muko 7

27 Nga bwe kiri waggulu

28 Laba waggulu ku 17

29 Laba waggulu

30 Nga bwe kiri mu 6 ku muko 4

Wabula ate obuwanguzi buno pulogulamu n'ebiragiyo bya gavumenti ze bituuseeko, tebiganyudde kyenkanyi abaana abali mu byalo. Kino kiri bwekiti kubanga waliwo ebiziya n'endowooza mu bantu ba bulijjo eremesa, abalaba nti okusomesa omwana kwonoona nsimbi. Waliwo ebintu ebirala ebiwerako ebiteesiisa okwonoona ensomesa ya Bonna Basome, naddala mu byalo ng'okusinga kiri ku basomesa okwosayosa, era ne kivaamu ensomesa embi³¹.

Okunoonyereza kulaga nti abaana abatamalaako kusoma kwa pulayimale bayingiza kitono ddala nga bakuze. Era ne bwe kityo, n'omukisa gw'abaana baabwe okufuna okusoma okw'omutindo guba mutono ddala, era nga kino kitiisiisa obugazi n'emikisa gya Uganda egy'okukula okwanamaddala. Wetwogerera, abaa-na abayingira mu Bonna Basome mu byalo, ku balenzi bali 88.8 ku 100 ate abawala bali 82.3 ku 100. Mu mwaka 2000 ne 2014 okuyingiza abaana mu Bonna Basome baali 97.2 ku 100 mu bawala ate abalenzi 96.3 ku 100. Wadde nga Bonna Basome eyongereredde ddala omuwendo gw'abaana abasoma mu Uganda, abaana abamalako bali ebitundu 54 ku 100 (ng'otwaliddemu n'abo abadda mu bibiina). Abawala abava mu ssomero nga tebamalirizza beyongedde obungi (34 ku 100), obwavu (28 ku 100), n'okwetaba mu by'okwegadanga (11 ku 100). Abawala batono okusinga ku balenzi kw'abo abatuula ebibuuzo ebimalako pu-layimale (PLE) ng'abalenzi abatuula ebibuuzo baba ebitundu 55 ku 100 ate ng'abawala baba ebitundu 42 ku 100 mu 2010, ate abalenzi abayita ne baba ebitundu 59.7 ku 100, ate bo abawala ne baba 53.7 ku 100 mu 2013³².

Ng'erimu ku ddembe ly'obwebange ekkulu, abaana balina eddembe okufuna okusomesebwa okwobwerere nga kwa mutindo ate nga kwa buwaze. Abantu bon-na balina eddembe okufuna okusoma okubawa amagezi n'obukugu okusobola okweyimirizaawo, okubasobozesa okwenyigira mu byobukulembeze n'okusobola okutegeera obulungi era n'okusasa ekitiibwa mu ddembe lyabwe ng'abantu wamu n'eddembe ly'abantu abalala.³³

Ku byenjirigiza abakazi mu Uganda basaba bino:

1. Okwongerera amaanyi mu kusomesa abaana ku bikwata ku nkula y'emibiri gyabwe n'okubawa obukodyo obw'okuyita mu bisomooza mu bulamu, okusobola okukendeeza ku mikisa gy'okufuna embuto nga bakyalibato ssaako n'okuggyamu embuto mu ng'eri enkyamu.
2. Watekebwe enkola enkakali ewakanya obukuubagano obutwaliramu abaana ku ssomero nga muno mwe muli okubakulusanya ku by'omukwano, n'okukulusana okusibuka ku kikula ky'omwana nti olw'okuba muwala oba mulenzi.
3. Okukakasa nti Minisitule y'Ebyenjirigiza eteekawo abigobererwa wamu ne pulogulamu ez'okukungira n'okusomesa abazadde, n'abantu mu bitundu, okusobola okuleetawo enkyukakyuka entuufu mu ndowooza n'engeri abantu gye balabamu ebyenjirigiza naddala okusomesa omwana omuwala.
4. Okwongerera nsimbi mu bizimbe n'ebintu ebikozesebwa mu masomero nga mwe muli ebibiina, emmeeza, entebe nga bituukana n'omuwendo gw'abaana, ente-be (benkyi) emu ng'etuulibwako abaana basatu bookka. Ebifo abaana abawala abatuusizza

31 Nga bwe kiri mu 11 ku muno 14

32 Nga bwe kiri mu 11 ku muko 14

33 Nga bwe kiri mu 11 waggulu

okugenda mu nsonga we basobola okunaabira n'okukyusa bye bakozesa, birina okubeera ku pulani nga bazimba kaabuyonjo. Amasomero gonna galina okuba n'ebintu ebyongera amanyi mu kuyiga ng'okuba n'amazzi amayonjo.

5. Okukakasa nti abaana baweebwa emmere nga bali ku ssomero, kikendeeze ku miwendo gy'abaana abayosa, n'abawanduka mu ssomero, ate kyongere ku kukola obulungi.
6. Okwongera sikaala eri abakazi n'abaana abawala naddala abo abakola emisomo gya sayansi.
7. Okukolagana ne minisitule y'abakozi wamu n'ekitongole ekikulira abasomesa okusobola okulaba ng'abasomesa abakyala babeera mu masomero.
8. Okuteekawo enkola za gavumenti ne pulani egenderera okubeeza abaana abawala mu masomero n'okukakasa nti gye bali ku buli ddaala lya bya njigiriza era nga kino kibuna mu ggwanga lyonna.
9. Okuteekawo enkola ennungamu era nga nyangu okugoberera okusobola okwongera ku misaala gy'abasomesa ng'essira litekebwa kw'abo abali mu bifo ebizibu okutuukamu.
10. Okuteekawo n'okukakasa nti amateeka agakakasa nti omwana abawala abato abafunira embuto mu ssomero era ne bazaala bazzibwayo mu ssomero.

Ensonga

4

OKUTUMBULA EBYENFUNA Y'ABAKYALA

Uganda erina wetuuse mu kulwanyisa obwavu, nga mu 1992 abantu abavu ennyo baali ebitundu 56 ku buli 100, ne bakendeera okutuuka ku bantu 24.5 ku buli 100 mu 2009³⁴. Okukendeera mu bwavu kisinze kubeerawo mu bibuga. Nga tetunyomodde bituukiddwaako, omuwendo gw'abantu abaavu omugatte gweyongedde. Obwavu bukyasimbye amakanda okusingira ddala mu byalo ate nga Bannayuganda ebitundu 84 ku 100, ate ng'abasinga ku bbo bakyala, babeera mu byalo. Ku Bannayu-ganda ababeera mu byalo ebitundu 27 ku 100, nga bano basajja, bakazi n'abaana, miliyoni 8 bakyali baavu lunkupe. Abakazi be bakyasinze okukosebwa n'obwavu obutawona mu Uganda. Be basinga okuba nga tebasasoma, era abakola emirimu egitavaamu nsimbi oba okukola nga tebasasulwa.

Mu byobulimi, nga guno gwe mulimu ogusinga okuyingiza ensimbi mu Uganda, ebitundu 83 ku 100 mwe benyigidde, wabula ng'abakazi 25.5 ku 100 be balina obuyinza ku ttaka kwe balimira ate nga 7 ku 100, be bokka abalina obuwandiike obulaga nti be bannanyini ttaka. Kino kikugira obusobozi okuva ku ddaala ey'okulima emmere ey'okulya obuli. Obusobozi bw'okwewola ensimbi tebuliwo olw'okuba abakyala tebalina misingo. Bino biviriddeko omuwendo gw'abakazi n'abasajja abaavu mu Uganda okweyongera. 40 Olwokuba abakazi tebalina bannanyini ku ttaka, kikosezza kye bye bakolera ku ttaka mu byobulimi. Okwongereza kwekyo, olwokuba nti abakazi abasinga tebalina ttaka, bwe bafuna ebintu gavumenti by'egaba nga ebyo ebitya mu Kitongole ekitumbula ebyennima, NAADS. Tekiyamba kutumbula mbeera zaabwe nga famile okutwalira awamu.

34 IFAD: Enabling Rural Poor People Overcome Poverty in Uganda (bisangibwa ku www.ifad.org/operations/projects/regions)

Abakyala be basinga okufuna emisaala emitono. Enfuna y'abasajja aba bulijjo ekubisaamu kumpi emirundi ebiri eyo ey'abakazi, kagube mulimu ki ogukoleddwa. Abakazi bali kimu kyakusatu ku bakozi abasasulwa abakola emirimu egitali gya kulima.

Okusenziira ku bintu gavumenti byesosowaza mu Ntegeka yaayo Eyokulakulanya Eggwanga nnamba 2, amafuta ne gaasi, ebyobulambuzi, ebyobugagga ebyomu ttaka byebimu ku byetaddeko essira, Ebitundu bino ebyenkulakulana, bikulira ku misinde miyitirivu naye ate nga bikosa nnyo abakyala wamu n'obwannanyini ku byobugagga, naye ate ng'abasajja be basinga obubibeerako n'obuyinza. Abakazi bwe batakiikirirwa na kweyogerera mu kusalawo oba okuteesa ku nsimbi ezi-vamu n'okuliyirirwa, kyongerera okunyomoola enkulakulana y'abakyala mu by'ensimbi.

Ku byokutumbula eby'enfuna, abakyala basaba bino:

Okukozesa banka, okusobola okwewola n'okutandikawo buzinensi:

1. Wabeewo okukyusa mu nkola y'okukozesa banka okukakasa nti abakyala baganyulwa kyenkanyi ng'abasajja mu kwewola ensimbi mu ma banka n'okufuna obuyambi obulala obukwata ku by'ensimbi n'okutandikawo buzinensi. Okuwola ensimbi entonotono kisaana ne kiba nga nyongereza nga naye si y'ensibuko ya ssente ezivaamu ensimbi abakyala ze bateeka mu bizinensi yabwe³⁵.
2. Bannansi, naddala abakyala baweebwe obuyambi okutandikawo emirimu emirala egivaamu ensimbi ez'okubabezaawo n'okwenyigira mu mikisa gy'okutandikawo buzinensi entonotono.
3. Okuwa abakyala abenyigira mu mirimu gy'emikono n'abasima obugagga obw'omuttaka mu ngeri entonotono, basobole okwongerera okulungiya ebintu bye bako-la.

Ebyobulimi:

1. Okuzza obuggya ebibiina by'obwegassi, nga bituukana n'embeera y'ebyenfuna wamu n'ezabantu eriwo ensangi zino okusobola okulungamya emiwendo gy'ebintu wamu n'okuwa abalimi amagezi mu bintu ebyenjwulo ng'okwewala okubibwa n'okukendeeza obwavu mu byalo³⁶; ng'omulimu ogusinga obukulu eno kwe kulima, Okuteekawo enkola ennungamu okukakasa nti abakyala benyigiramu era ne bafuna mu nkola y'ebibiina by'obwegassi.
2. Okwongerera amaanyi mu nsimbi ezitekebwa mu kulongoosa ebirime-okubyongerako omuwendo okusobola okuyingizaamu n'okukendeeza omuwendo gw'abantu naddala abakyala abali mu kulima bagende mu makolero g'ebyobulimi.
3. Okuwa abakyala n'abo abakulira amaka, ebikozesebwa okulima ku bbeeyi ensaamusaamu okubongera amaanyi okulima kwabwe kugejje, ate kino kiwatagane n'okweyongerera kw'obusobozi bwabwe okufuna obutale wamu ne tekinologiya ow'omulembe.
4. Okukakasa nti enteekateeka, embalirira ne pulugulamu z'okukulakulanya ebyobulimi kutwaliramu era n'okusosowaza enteekateeka y'okukendeeza emirimu emizito abakyala gye bakola ate nga mingi nnyo okusinga egy'abasajja, kituukane n'ebiteeso by'ekibiina ekigatta amawanga ga Africa (African Union), ku byobulimi ng'ekintu ekikulu ennyo mu kuwa abakyala obusobozi n'okuleetawo omwenkanonkano.

³⁵ Nga bwe kiri mu 11 ku muko 31

³⁶ Nga bwe kiri mu 11 omuko 31

Okulongoosa mu mbeera z'abantu wamu n'ebenfuna:

1. Okugaziya enkola y'okuwa akasiimo okusobola okuganyula abo abatakola mu ofisi, naddala abakyala.
2. Wabagibwewo amateeka era gassibwe mu nkola ng'ebifo byonna abantu we bakolera wabeerawo abaana we balabirirwa, ebifo bino ka bibe nga si bya ofisi oba bya ofisi. Kino kijja kuwa abakyala omukisa okukola emirimu nga teberariikiridde baana baabwe. Gavumenti ejja kuganyulwa mu nkola eno kuba Bannayuganda baja kuba bakola nnyo, kino kyongere ku nsimbi gavumenti z'eyingiza.
3. Okulwanyisa okulya enguzi mu mpereza ekwata ku mbeera z'abantu, ebyensimbi wamu ne mu by'obufuzi kyongere ku mpereza za gavumenti eri abantu naddala abakyala. Abakyala be basinga okuganyulwa mu mpereza za gavumenti nga obolyawo kiva ku buvunaanyizibwa bwabwe ng'abajjanjabi b'abalwadde, abakuza b'abaana, wamu n'emirimu gyabwe egy'obutonde egyokuzaala. Wabula, abakyala abasinga obungi baavu era nge tebasobola kusalira kuzaalira mu malwali-ro ga bwannanyini, n'olwekyo be basinga okukosebwa obuli bw'enguzi.
4. Okugunjaawo n'okuteeka mu nkola engeri y'okuteeka ku mwanjo ebigobererwa nga bikoledwa okusinzira ku bwetaavu bw'abalimi abakazi oba abasajja mu bitundu bw'obungi bwebiva mu kulima, okuteekamu ensimbi, okubangula n'okufuna akatale.
5. Watekebwewo ebirubirirwa nga bigenderera okuleetawo omwenkanonkano mpolampola mu kutendeka n'okugaba emirimu gya gavumenti ne mu ba musiga nsimbi.
6. Wabeewo ebikolebwa nga bigenderera okuggyawo ebiragiro bya gavumenti oba amateeka agasosola abakazi ate nga bikakasa okwenyigiramu kw'abakyala mu kusalawo ku by'enfuna ku buli ddaala lyonna.
7. Waberewo okwekeneenya sinziggu okw'ebiragiro bya gavumenti ebikwata ku byenfuna okusobola okutumbula embeera n'obukuumi eri abaami n'abakyala era kikakasibwe nti ebiragiro ebikwata ku by'enfuna ebyalemwa okukola biggyibwawo.

Amafuta ne gaasi:

1. Okulongoosa amateeka g'okuliyirira okuva ku bantu sekinoomu gadde ku famile n'ekitundu, era watekebwewo ensawo esobozesa okufuna ettaka eddala n'okusengula famile eziba zikoseddwa olwokutandikawo ebirombe, naddala abakyala n'abaana.
2. Waberewo enkola engenderere nga yakuyamba abakyala okufuna emirimu mu bifo ebisingamu abasajja ng'ekitongole ky'amafula ne gaasi n'ebitongole ebirala ng'ebizimba, ebikola enguudo, ebisaabaza abantu, ebisima ebyobugagga eby'omu ttaka n'ebyo bwa yinginiya.
3. Okuyamba banasayansi abawala n'abakazi okusoma emisomo egikwata ku mafuta ne gaasi n'engeri y'okubirongosaamu, okuyita mu kuteekawo enkola eba-zaamu amaanyi ate n'okubawa sikaala.



ABAKYALA, EBYOBUFUZI N'OKUSALAWO

Tewayinza kuberawo nkola ya demokulasiya eyannamaddala eri buli mutuuze, nga kimu kya kubiri ekyabantu tebafunye kukiikirirwa mu by'obufuzi ne mu by'enkulakulana. Gavumenti ezesigamye ku demokulasiya okusobola okuwereza abantu baazo obulungi, zirina okuba n'abakiise abatuufu, nga zifaayo ku by'enkula y'abantu (oba baa-mi oba bakyala) ate era ne zissa ekitiibwa mu kuba nti abakazi bateekwa okuzannya ekitundu ekyenkanankana n'ekyabasajja mu bukulembeze ne mu nkulaakulana (Beijing platform for Action para.18).

Abakyala okwetaba mu byobufuzi ne mu kusalawo tekiganyula bakazi bokka, naye enkulakulana ne demokulasiya okutwalira awamu. Gavumenti ya Uganda yateeka omukono ku ndagaano eziwerako ez'ensi yonna, eza Afrika n'amateeka wamu n'ebiragiro by'eggwanga agatumbula okwenyigiramu kw'abakyala mu bukulembeze bw'abantu. Ebiwandiiko bino bitwaliramu; Endagaano y'ensi yonna eggawo okusosola kwonna eri abakyala (CEDAW), Okusalawo kw'akakiiko k'amawanga amagatte ak'ebiyokwerinda United Nations Security Council Resolution (UNSCR), 1325, olukiiko lw'e Beijing ku bigendererwa b'ekyasa nnamba 1 ne 2 (Beijing Platform of Action and the Millennium Development Goals (MDG) 1 and 3). Ku lukalu lwa Afrika, gavumenti etadde mu nkola Endagaano ya Afrika ku ddembe ly'obuntu n'abantu (African Charter on Human and People's Right), n'endagaano y'e Maputo (Maputo Protocol) esimba essira ku ddembe ly'abakyala ba Afrika. Mu Uganda munda, ekiragiro kya gavumenti ekikwata ku kikula

ky'abantu, (Uganda National Gender policy), Enteekateeka y'okuteeka mu nkola ebikwata ku kikula ky'abantu (National Gender Action Plan), Etteeka ly'okuzza obuyinza ku disitulikiti (Decentralization Act), ng'eno erungamizib-wa ebigererwa n'ebiragiro ebikulu ebyeggwanga ebiri mu Konsitusoni ya Uganda eya 1995 (the National Objectives and Directive Principles of state poli-cy outlined in the 1995 Constitution) n'enkola egenderera okwongeramaanyi mu bakazi (Affirmative Action).

Konsitusoni ya 1995, abuwaiyiro 32 (1), 33(2), 22(3), 33(4), 33(5), 78 (1) (b), buwa ebbeetu ly'okuyamba abanyigiriziba era ne bulagira Paliyament ekole ama-teeka agagenderera okuyamba ebika by'abantu abanyigirizibwa nga mwe muli abakyala, abavubuka, abantu abalina obulemu ku mibiri gyabwe wamu n'abakozi. Okuyita mu buwayiro buno, gavumenti yakola etteeka erifuga gavumenti z'ebitundu, eriragira nti kimu kya kusatu ku bifo ebiri mu gavumenti z'ebitundu bibeereko bakazi, okwongerabawala abagenda mu matendekero agawaggulu akabonero 1.5, ate wera nti buli disitulikiti ebeere n'omukazi agikiikirira mu Paliyamenti. Etteeka erifuga akakiiko k'ebiyokulonda erya 1997, ewa obuyinza akakiiko kano okutegeka okulonda era kawa abakyala ebifo byabwe, Etteeka erifuga ebibiina by'obufuzi erya 2005, Etteeka erifuga bannamawulire n'emikutu gyempuliziganya (Press and Journalists Act and the Electronic Media Act), ligaana okuwa amawulire agatyobola abakazi abesimbawo mu bifo by'obufuzi. Amateeka gano gayamba okutumbula abakyala okwetaba mu bukulembeze bwe-byobufuzi.³⁷

Okuva mu 1986, emiwendo gy'abakyala abenyigira mu by'obufuzi gigenda gyeyongera. Mu Paliyamenti ey'omukaaga (1996-2001), Uganda yalina disitulikiti 39, era abakyala abazikiikirira 39 baalondebwa ng'abakiise ba Paliyamenti. We balondera Paliyamenti ey'omusanvu (2001-2006), disitulikiti empya 17 zaali zongeddwa, ne kiba nti abakyala beekutte ebifo 56 mu Paliyamenti. Paliyamenti ya Uganda ey'omunaana yalimu abantu abakiikirira amasaza 217, ab'amagye 10, abakiikirira abavubuka 5, abakiikirira abantu abalina obulemu ku mibiri 5, abakiikirira abakozi 5, n'abatalondebwa nga babaka 13. Abakiise mu Paliyamenti bonna ng'obagasse; 99 baali bakyala, nga 79 ku bbo baali bakiikirira disitulikiti, 14 nga baalondebwa mu masaza ate nga 6 bakiikirira ebibiina ebyenjwulo ebikiikirira mu Paliyamenti. Abakiise abakyala baali baweza ebitundu 31 ku 100 mu Paliyamenti ey'omunaana³⁸.

Olwokuba waaliwo amasaza amapya agaatondebwawo mu 2010, Paliyamenti ya Uganda ey'omwenda yalimu ba mamba 375 nga 129 (ebitundu 34.4 ku 100), bakyala. Wabula, omuwendo guno gukyali wansi ku muwendo ogulubirirwa okusobola okufuna omwenkanonkano ogwatekebawo Endagaano ya Afrika ku Demokulasiya, Ebyokulonda n'obukulembeze (African Charter on Democracy, Elections and Governance). Omuwendo gw'abakyala abesimbawo ku basajja gukendedde okuva ku 16 mu 2006 okudda ku 11 mu 2011, era ku babaka ba Paliyamenti abakyala e 129, 112 bakiikirira disitulikiti, nga bano weebali lwakuba bayita mu nkola eyamba abakyala okukiikirira mu Paliyamenti. Kino kiraga nti abakyala tebanaba kusobola kuwangula ebibaziyiza okuvuganya n'abasajja mu bifo eby'obufuzi³⁹.

Ensonga y'okwenyigiramu kw'abakyala mu bibiina by'obufuzi ebyenjwulo, ekyalina obuzibu kubanga abakyala abalina ebifo ku bukiiko obufuga ebibiina bino, era obukola okusalawo ku buli mutendera. Obukulembeze mu by'obufuzi mu Uganda bufumbekeddemu

37 Ekiwandikiro ekyakolebwa Owekitiibwa Rebecca Kadaga, Omwogezi wa Paliyamenti ya Uganda mu lukiiko Olw'ekkumi Mu lukiiko lwaba Minisita b'ensonga z'abakyala mu nsi ezaaliko amatwale ga Bungereza e Dhaka Bangladesh (nga 17-19 Ogwomukaaga 2013)

38 Nga bwe kiri mu 26

39 Nga bwe kiri mu 26

basajja. Wadde ng'ebibiina by'obufuzi ebikulu birina ennama y'abakyala gye bateekawo ku buli mutendera (NRM 30 ku 100, FDC 40 ku 100), ebigenda mu maaso si bwebiri. Ekyokulabirako ye NRM erina abakyala 5 (25 ku 100) kuba memba b'akakiiko akafuzi ak'okuntikko (NEC) 20⁴⁰.

Ekikolwa eky'okuyamba abakyala mu Tteeka lya Gavumenti Ez'ebitundu erya 1997 kiragira nti abakyala balina okutwala ekitundu kimu ku bisatu ku buli LC. Ate ng'akakiiko akafuga disitulikiti abakyala balina okutwalako ebifo 30 ku 100, ku bafuzi ab'okuntikko aba disitulikiti, (Ssentebe, Omwogezi, n'Akulira abakozi ba gavumenti), emiwendo gy'abakyala gikendedde. Okugeza, okulonda kwa 2011, ku ba ssentebe ba disitulikiti e 112, 2 bokka (1.7 ku 100) be bakazi, ku bakulira abakozi mu disitulikiti 28 bokka (9 ku 100) be bakazi⁴¹.

Abakyala abaluubirira ebifo mu bukulembeze mu by'obufuzi nga bayita mu kulonda, balemesebwa olw'okuba nti baasoma kitono, okubulwa nsimbi ez'okukola kampeyini, obutaba na bumanyirivu bumala mu byobufuzi, ebyobuwangwa n'enzikiriza y'ennono nti ekifo ky'omukyala kiri "waka" nga si mu bukulembeze bw'ebyobufuzi. Ebisomooza ebirala ebigenda mu maaso okulemesa abakyala okwenyigira mu bukulembeze bw'ebyobufuzi ng'abasajja kwe kuba nti waliwo kyekubiira, endowooza ey'edda etekyuka, ebyafaayo ebitali bya bwenkanya, demokulasiya atali mutuufu ali mu bibiina, amateeka g'okulonda amanafu, n'okulonda okulimu emivuyo, obusambattuko obunyiga abakyala n'obwavu obungi mu bakyala. Mu kwongerako, ebyobufuzi ne kampeyini z'ebyobufuzi mu Uganda zeyonedde okuba eza ssente, nga kino kiviiriddeko obuli bw'enguzi obwekika ekya waggulu, n'enneyisa etekkirizibwa, bino byongeraga okuba emiziziko eri abakyala okwetaba mu by'obufuzi.⁴²

Tebbo 1: Abakyala abali mu bifo ebisalawo mu DP, FDC, JEEMA, NRM, PPP ne UPC nga bwe kyali mu July 2014⁴³

<i>Ekibiina</i>	<i>Ekifo</i>	<i>Omuwendo gw'abakyala</i>	<i>Ebitundu by'abakyala ku buli 100</i>	<i>Omuwendo omugatte ogw'abakulembeze</i>	<i>Abakulira akakiiko k'ebyokulonda mu bibiina by'obufuzi</i>
DP	Olukiiko olufuzi (NEC)	8	18%	44	Musajja
FDC	NEC	34	23%	147	Musajja
JEEMA	NEC	4	21%	19	Musajja
NRM	Central Executive Committee (CEC)	7	32%	22	Musajja
PPP	NEC	8	53%	15	Musajja
UPC	NEC	4	21%	19	Musajja

⁴⁰ Nga bwe kiri mu 26

⁴¹ Laba waggulu

⁴² Ekiwandiiko okuva mu lukiiko ku bakyala n'ebyobufuzi, lwategekebwa Forum for Women in Democracy (FOWODE) nga 22 -23 Ogwomusanvu 2014, mu Kampala, Uganda. Ebisingawo genda ku: <http://www.fowode.org/events>

⁴³ Ibid 11 at page 22

Bino biggyiddwa mu: Guide to Enhance Gender Equality in Political Parties in Uganda by Women's Democracy Network–Uganda omuko 5

Omuwendo gw'abakyala mu bifo ebikolebwamu okusalawo mu bitongole bya gavumenti ng'akakiiko ka ba minisita n'ekitongole ekiramuzi, gukendedde bwogerageranya n'emyaka egiiyise, ng'amyuka pulezidenti n'amyuka akulira ekitongole ekiramuzi bakyala. We twogerera Pulezidenti n'omumyuka we basajja ate era n'akulira ekitongole ekiramuzi n'omumyukawe nabo basajja. Ku bifo by'obwa minisita 31, musanvu bokka be bakazi. Ku bamyuka ba minisita 47, 13 bokka be bakazi.

Tebo 2: Abakyala mu bifo bya offisi za gavumenti mu Uganda

<i>Omusaala</i>	<i>Abakozi omugatte</i>	<i>Abaami ku 100</i>	<i>Abakyala ku 100</i>
Ba maneja ab'awaggulu (U1)	808	78	22
Ba maneja ab'omumakkati (U2-U3)	4,180	84	16
Abayingirira ku dipuloma ne diguli (U4-U5)	59,973	72	28
Abawansi (U6-U8)	206,893	65	35
Total	271,854	67	33

Biggyiddwa mu ofisi ekola ku kusasula abakozi, mu Minisitule Y'abakozi ba Gavumenti⁴⁴

Ku bakungu e 112 mu Uganda abakulira abakozi ba gavumenti, abakyala kuliko 17 bokka. Ku bawandiisi ab'enkilakkalira 29 mu minisitule ez'enjawulo, muk-aaga bokka be bakazi, abawandiisi abawansi 29, kuliko 14 bokka abakazi. Bwe kituuka ku babaka ba gavumenti n'abamyuka baabwe abawera 126, 63 bokka be bakazi⁴⁵.

Ku bifo ebirimu okusalawo, ebyobufuzi n'enzirukanya ya gavumenti, abakyala basaba bino:

1. Okwongerera omuwendo gw'abakyala mu bifo ebyobukulembeze ku buli ddaala mu byobufuzi waakiri babeere nga balina ebifo ebitundu 50 ku 100, kituukane n'endagaano ya Afrika ku demokulasiya, Ebyokulonda n'obukulembeze⁴⁶. Kino kirina okukolebwa ne mu bibiina by'obufuzi ne mu bitongole.
2. Okulongoosa mu nkola y'eb yokulonda wasobole okubaawo obwenkanya mu bakiise era wabeewo okwongerera ku bikozezebwa okusobola okwongerera omuwendo gw'abakyala abesimbawo obutereevu (ku basajja) era nga butereevu kijja kuba kyongerera ku muwendo gw'abakyala abali mu byobufuzi.

⁴⁴ Alipoota ya FOWODE ku mbeera y'abakyala mu kusalawo, Gwakkumi 2013, omuko 14

⁴⁵ Tewannaba bwetwaze bwabakyala ba Uganda, emboozi eyawandiikibwa mawulire agawandiikibwa Jacqueline Asimwe in the Observer Newspaper, October 2013, mu lupappula lw'amawulire olwa Observer, 2013.

⁴⁶ Laba akawayiro 2 (11) mu ndagaano ya Afrika ku demokulasiya, okulonda n'obukulembeze 2004 (African Charter on Democracy, Elections and Governance -2004) ne mu Endagaano eyamaanyi ku Mwenkanonkamo (The Solemn Declaration on Gender Equality (alyakirizibwa ab'ekibiina ekigatta amawanga nga Af-rika mu Gwomusanvu 2004), n'Ekiragiro ky'amawanga ga Africa amagatte, mu kirayiro 1 (3) (African Union Gender Policy, which under Commitment 1(3) kizaawo omwenkanonkano oba AU 50/50 Gender Parity Principle.

3. Okuwa abibiina by'abakyala n'emirimu gyabwe waakiri omutemwa gwa bitundu 50 ku 100 ku nsawo y'ebibiina byobufuzi basobole okuteekawo enteekateeka wamu ne pulogulamu ezitumbula okwetaba kwabwe mu bibiina by'obufuzi.
4. Waberewo omutemwa gw'ensimbi nga za kubangula abakyala era waberewo n'entegeka nga zitwaliramu abakyala n'abasajja kisobozese enjuyi zombi okumanya obukulu bw'omwenkanonkano mu byobufuzi⁴⁷.
5. Wabeewo okukyusa mu nkola y'ebyobufuzi ezitassa kitiibwa mu bakyala, ebyobufuzi, ebisalibwawo ku gavumenti n'ebyo ebya sekinoomu bifuulibwe byerufu, nga biraga kye bikoledde abakyala wamu n'okufaayo er ebyetaago byabwe, nga kino kigenderera okubaako kye kituukiriza ku Kigendererwa (VI) oba nnamba 6 ku bigendererwa by'amateeka g'eggwanga ku mwenkanonkano n'okukiikirirwa kw'abantu abanyomebwa mu ngeri esaana.⁴⁸
6. Okwongeza omutemwa gwa bajeti oguweebwa Minisitule y'Ekikula Ky'abantu, Abakozi n'Enkulakulana waakiri gutuuke ku bitundu 5 ku 100 ebya bajeti y'eggwanga, kisobozese minisitule eno okuteeka mu nkola enteekateeka ezigenderera okussaawo omwenkanonkano mu bulamu obwa bulijjo n'ebyenfuna, wamu ne mu byobufuzi⁴⁹.

Kuwumbawumba

Mu kuwumbawumba, tuddamu okukakasa nti manifesito y'abakyala kikozezebwa ekigenderera okutumbula okwenyigiramu kw'abakyala n'okuteeka ebirowoozo ebikwata ku bakyala mu kusalawo ku byobufuzi ne kubiragiro bya gavumenti. Demokulasiya teyinza kuganyula abatuuzze ba ggwanga mu ngeri entuufu, nga kimu kya kubiri ekyabantu b'ensi baayo tebakikiriddwa mu ngeri ematiza mu bifo by'ebyobufuzi n'enkulakulana. Gavumenti okuwereza obulungi abantu baayo, wateekwa okubeerawo okukiikirirwa okutuufu, okufa ku bikwata ku bakyala era n'okumanya nti abakyala betaagibwa kyenkanyi mu kuzimba enkola ya demokulasiya. .

*Okusaba abakyala okwetaba mu byokusalawo, si kusaba bwenkanya oba demokulase ebyangungu, naye kisaana ne kirabibwa ng'ekiraga okufaayo kw'ebyo abakyala bye betaaga. Bwe wataba kwetabamu kw'abakyala mu kukola okusalawo ku buli ddaala, n'okutunuulira ebintu okuva ku ludda lw'abakyala ku buli ddaala ly'okusalawo, ekigendererwa ky'omwenkanonkano, okulakulana n'emirembe tebisobola kufunika, **Beijing Platform for Action, 1995***

47 Nga bwe kiri mu 11 ku muko 38

48 Nga bwe kiri ku mu 11 ku muko 39

49 Nga bwe kiri mu 15 ku muko 39

[illegible]

Reprint with Support from:



Action for Development
Plot 623/624 Bukoto–Kampala

Centre for Women in
Governance
Church Road, Kasujja Terrace,
Ntinda–Kampala

Forum for Women in Democracy
Plot 15 Vibya Close,
Ntinda–Kampala
Women Democracy Network–

Uganda Chapter
Plot 933, Kireka–Namugongo
Road, Kampala

Uganda Women’s Network
Plot 710, Block 216, Mirembe Close
Bbuye–Kigowa, Ntinda, Kampala
P. O. Box 27991–Kampala, Uganda
Phone: +256 414 286 539,

Email: info@uwonet.or.ug
Website: www.uwonet.or.ug
Blog: <http://uwonetnews.blogspot.com>
Facebook: <http://www.facebook.com/uwonet>
Twitter: @uwonet

ISBN: 978–9970–509–09–6

